


Ekimotoka nga kisitudde akamu ku buyumba obwamenyeddwa e Mbale.

# Bagobye abatundira ku mbalaza e Mbale

Bya FAISAL KIZZA

ABA kkanso e Mbale nga bali wamu ne poliisi n'amagye baakedde kuzingako ebifo omubadde mukolera abatembeeyi n'abatundira ebyamaguzi ku mbalaza.

Ekikwekweto kizinzeeko ebitundu okuli Lwakaka cell, Naboa Road ne North Road, era bakira buli kye bamenya nga bakanyama batikka ku loole ya kkanso ng'ebitwala.

Mu bikwekweto bino, waliwo ne kaabuyonjo emenyeddwa ng'eno ebadde yazimbibwa mu Kikuubo wakati.

Waliwo ababadde balemesa okumenya kaabuyonjo era basatu ku bo baakwatiddwa. Ekikwekweto kyakulembeddwaamu Town Clerk wa Mbale Industrial Division, Geoffrey Mugisha eyagambye nti kigendereddwaamu okugogola ebikuubo kisobozese emmotoka okuli eza kkanso n'eza kasasiro okuyitawo.

Yagambye nti, abatembeeyi baabafunira dda ebifo we balina okubeera nga balina obutale 6 obulimu emidaala 1,414 egitaaliiko agikoleramu.

Ssentebe wa LC I mu kitundu kino, Siraje Luredi yagambye nti, embeera gye baakuttemu abantu be si nnungi kuba tebaafunye kulabulwa.